# *Ensigo Terisikira Wamu Na Kisusunku*

Weebale nnyo, Ow'oluganda Demos. Era kati tuli basanyufu okubeera wano enkya ya leero, n'okuwulira obujulizi obulungi buno bwonna okuva mu bantu bano abalungi. Era kati, tukkiriza nti Katonda agenda kweyongera okubeera naffe era atuwe omukisa.

2 Kati, akawungeezi ka leero, nkitegeddeko nga nze ŋŋenda okubuulira akawungeezi ka leero, Mukama bw'anaaba ayagadde. Era nsabye Ow'oluganda Shakarian, eddakiika ntono eziyise, ne mmugamba nti, "Kati, tokwatibwa nsonyi. Nkimanyi tulina okufuluma wano ku ssaawa ttaano ez'oku makya naye—naye bwe ntuuka waggulu wano eby'obudde mbyerabira."

3 Kirabika abasigadde fenna obudde tubwerabira. Tuwulira nti...Bakugamba nti, "Tukuwadde eddakiika bbiri, oba eddakiika ssatu, oba..." Ow'oluganda Smith, okimanyi bulungi, nti ekyo kizibu okukikola mu ddakiika nga bbiri oba ssatu. Era mmanyi kye kitegeeza, era mbasaasira buli omu. Naye tuli mu mulembe ogw'okukwata obudde, mwe tuli. Weewaawo tugenda mu Butaggwaawo, naye kati tukyali mu biseera.

4 Kale mmugambye nti, "Ow'oluganda Demos, essaawa bwe zinaaba zinaatera okuwera, tokwatibwa nsonyi, onsikako katono ku kooti yange ne mmanya nti ky'ekiseera okumaliriza." Kati, bwe nnaaba ssikimalirizza, nja kukimaliriza akawungeezi ka leero. Bwe nnaaba nkimalirizza, awo, nja kubeera n'eky'okuyigako ekipya akawungeezi ka leero.

5 Kaakati nga tetunnabikkula Kitabo, leka tusooke twogereko ne Nnyinikyo, nga tukotese emitwe gyaffe.

6 Ayi Kitaffe omwagalwa ow'omu Ggulu, tukwebaza enkya ya leero olw'okukuŋŋaana kuno, olw'ebyo bye tuwulidde. Kati ne bwe tusaba omukisa ogutusiibula, ayi Mukama, tubeera tujja kuwulira nti kibadde kirungi okubeera wano. N'olwekyo nkusaba Weeyongere mu maaso, bwe kiba kirungi mu maaso Go, weeyongere okubeera naffe era otuyambe. Era kaakano tukuŋŋaanye wamu okwetooloola Ekigambo. Nga bwe tukuŋŋaanye awamu mu kussa ekimu buli omu ne munne, ne tuwulira obujulizi bw'ebyo by'Otukoledde, kaakano leka tuddeyo mu Kigambo tulabe bino byonna gye byava. Era, obwo bunaabeera obukakafu obw'ebyo bye tuwulira ne bye tulaba, nga bigenda mu maaso olwa leero. Ebintu bino tukusaba obituwe mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

7 Kaakati, nga—nga omuweereza We, nnina Obubaka bwe—bwe nvunaanyizibwako. Era emirundi egimu mbaddenga ntegeerwa bubi, mu biseera ebiyise, era ob'olyawo bulijjo nja kutegeerwa bubi. Naye oluusi soogera bintu kubeera—kubeera wa njawulo, mbyogera kubeera mwesimbu. Era njagala nnyo okwogera ekyo kye ndowooza nti kituufu. Buli muntu a—alina eddembe eri ebintu ebyo, okwogera endowooza ye gy'alina nga omuntu. Eyo y'ensonga lwaki ndi mu makkati gammwe.

8 Kati Ow'oluganda Shakarian, ayogedde ku kkaadi z'ab'okusabirwa mu nnyiriri z'ab'okusabirwa, ku ebyo bye yalaba Omwoyo Omutukuvu bye. . . Kati, ebyo abadde tabyogera ku nze. Ebyo bibadde byogera ku Mwoyo Mutukuvu, kubanga nze siyinza kukola bintu ebyo. Ekyo buli omu akimanyi, ssisobola kubikola. Naye—naye ebyo bye mulaba wano, by'ebitono ennyo. Mwetaaga mugendeko mu bifo ebirala, mulabe bw'Ayogera ebintu nga tebinnabaawo! Era nze. . . ebintu ebinaabaawo, nga, bino bi. . .ebyo ye mmwe, mmwe mubikola. Mmwe mukkiriza Katonda.

9 Era—era kati bw'oba tokkiriza Katonda, jjukira nti, ekyo Akikugamba, nga oli wano wennyini ku kituuti. Era bw'oba nga oli mu kibi, Akikugamba nti oli mu kibi. N'ebintu bye wakola, by'otaalina kukola, byonna Abikugamba. Tebibeera ebyo byokka bye bawandiika ku kaadi y'ab'okusabirwa. Ku kaadi y'ab'okusabirwa basobola okuteekako. . .Ku kaadi okwo, tebasobola kuwandiikako, nti yali "mwonoonyi," nti omukazi ono yali "abeera n'omwami omukyamu," n'ebirala bwe bityo. Ebyo tebayinza kubiteeka ku kaadi ya baakusabirwa, naye era Omwoyo Omutukuvu ye abikukunulayo, mukiraba. Mukiraba? Kale n'olwekyo ki. . .kati kiringa. . .ekyo ky'e—ekitundu ekisukkulumye ku ky'obutonde, ab'emikwano.

10 Era kino nkyogera n'obwegendereza, kubanga wano tuliwo batono enkya ya leero, tuli bantu batono ddala. Kinneewuunyisa, ne ntuuka okuba nga ndi ku bunkenke obw'amaanyi ennyo, oluusi ne mpulira nga njagala na kuwoggana. Era bwe nfuna akafo ne ntuula wansi, eyo ku lusozi, gye ntera okubeera ebiseera byange ebisinga obungi, nga nfuna okuva eri Katonda, nvaayo ne nzika wansi ne mpa abantu ekyo ky'aba Ampadde. Kale ssa—ssaagala bwagazi kubeera wa njawulo ku bantu. Naye ate, okubeera omwesimbu, nnina okubeera omwesimbu eri Katonda, mukiraba, eri—eri Obubaka.

11 Era kati, Mukama nga ayagadde, tuteekateeka okusimbula okugenda ku lugendo lw'emitala w'amayanja, mu nnaku ntono ddala, Mukama bw'anaabeera nga bw'atyo bw'ayagadde. Mazima ddala mbasaba essaala zammwe.

12 Muli balungi nnyo! Bwe ntandika okwogera, eby'obudde mbyerabira, nga fenna bwe tukola. Naye eri Ow'oluganda Shakarian, n'eri abaweereza bano abalungi abali wano ku

kituuti, n'abali eyo, nammwe mwenna mikwano gya Yesu Kristo, mbalamusizza mu Linnya Lye; nga—nga muganda wammwe, olw'omusaalaba, eri Katonda, nga baganda bange era bannyinaze.

13 Enkya ya leero, njagala mbikkule, mu Byawandiikibwa, mu Kitabo ky'Abaggalatiya, Mukama nga ayagadde. Njagala mbeeko Ekyawandiikibwa kye nsoma.

14 Kati, akawungeezi ka jjo, twawulidde obubaka okuva eri muganda waffe omuweereza eyabadde wano ku kituuti, yayogedde mu nnimi. Bredesen, Ow'oluganda Bredesen, omusajja omulungi ennyo. Na . . .

15 Okulaba obutasoma bwange buno n'obutaba na buyigirize, n'okuba nti sitegeera bigambo bituufu bya kukozesa, naye nga nkimanyi nti Obubaka butuufu, okulaba abasajja nga abo abaali ku pulogulaamu eyo akawungeezi ka luli, nga bayimiridde awo ne . . . abasajja abasobola okutuukana n'abantu abayivu bwe batyo. Bayinza okuba nga tebasobola kukola ekyo Mukama kye yampitira okukola. Nange ssisobola kukola ekyo Mukama kye yabayitira kukola. Naye bwe tukolera awamu, nkakasa nti Obubaka tusobola okububunyisa, singa tunaasigala mu maaso ga Katonda.

16 Kale bwe yawadde o—obujulizi wano ekiro kya jjo, Omwoyo Omutukuvu n'ayogera mu nnimi, ne, omulala okuva mu kibiina, ekyo bulijjo nkimanyi nti nnina okukissaamu ekitiibwa. Kubanga, nkitegeera, okuyita mu Bayibuli, nti oyo abeera Mwoyo wa Katonda nga aliko ky'atuleetedde. Era yagambye, yayogedde ku nkuba ey'oluvannyuma, enkuba ey'olubereberye n'enkuba ey'oluvannyuma. Era kati nnina kye nzijukidde.

17 Nti Ow'oluganda Bonham yabadde yaakava okumpa akatereke wamu ne cceeke nga ziizo, n'aŋŋamba nti, "Kino kiweebwayo eky'okwagala eri . . . okuva mu bantu." Kaakati, ya—ya, ekyo baabadde tebeetaaga kukikola. Mukiraba, ekyo si kye kyandeese wano. Naye nna . . . ye, baazimpadde, era, weewaawo, tewali . . . tewali ngeri ya kuzizzaayo. Era ŋŋenda kuzitwala, Mukama nga ayagadde, ngezeeko okuzikozesa ku ebyo bye nnasaasaanyizaako ssente, okugenda emitala w'amayanja. Kubanga, gye ŋŋenda, tebasasulidde bisale byange, mu ngeri yonna.

18 Kiri mu ngeri ya kyama, kubanga amakanisa gaagaana okunzikiriza okugendayo. Era ŋŋendayo nga muyizzi, kubanga kiri ku Mukama wange. Mukama akitadde ku mutima gwange nkikole, kale ŋŋendayo mu ngeri ya kwebbirira. Mukiraba? Kati balinayo endowooza eziri awo ezitategeerekeka, nga buli kibinja kyagala nteeke omukono ku kkaadi yaakyo, nga ŋŋamba nti nja kukkiriziganya n'ekyo kye bakkiriza, era ŋŋambe nti ekibinja *kiri* ekirala kikyamu, era ekibinja *kino* bagamba nti

bajja kunnyaniriza singa nnaagamba nti ekibinja *kino* kikyamu. Mukiraba? Naye ekyo sikyagala. Mukiraba, tuli . . .

19 Bulijjo ngezezzaako okuyimirira wakati w'abantu, wabweru w'ebibiina n'enjawukana zaabyo, mbeere ku ludda lw'ekyo ekirabise nga Omwoyo wa Katonda ky'abadde ayogera okuyita mu b'oluganda wano enkya ya leero, nti tetuli kibiina kya ddiini. Tuli baana ba famire. Kati, tewali kibiina kya ddiini ya ba Branham. Waliwo famire ya ba Branham, era famire eyo ffenna tetugyegattako bwegassi, wabula famire eyo tugizaalibwamu buzaalibwa. Kale n'olwekyo, nja, ekyo kye ngezaako okulaga, mu ngeri e—esingayo obulungi gye mmanyi.

20 Kati mu Abaggalatiya 4:27-31, nzikiriza nnalambyewo, kino kye njagala nsome nga ekitundu eky'okuyigirizaako.

> *Kubanga kyawandiikibwa nti, Sanyuka, omugumba atazaala; baguka okwogerera waggulu, atalumwa: kubanga abaana b'oyo eyalekebwawo bangi . . . okusinga* ab'oyo *alina omusajja.*
>
> *Naye ffe, ab'oluganda, tuli baana ba kusuubiza, nga Isaaka bwe yali.*
>
> *Naye nga mu biro biri eyazaalibwa olw'omubiri nga bwe yayigganya eyazaalibwa olw'Omwoyo, bwe kityo bwe kiri ne kaakano.*
>
> *Naye ebyawandiikibwa byogera bitya? Goba omuzaana n'omwana we: kubanga omwana w'omuzaana talisikira wamu n'omwana w'ow'eddembe.*
>
> *Kale, ab'oluganda, ffe tetuli ba muzaana, naye ba wa ddembe.*

Kaakano Mukama ayongere emikisa Gye ku Kigambo Kye eky'omuwendo.

21 Nninawo wano ebintu ebitonotono, ekiro kya jjo nnina ebintu ebitonotono bye nnawandiise wano; edda kyali nti, bwe nnabeeranga n'olukuŋŋaana lumu mu wiiki, awantu awamu, nga Ebyawandiikibwa ebyo nso—nsobolera ddala bulungi okubijjukira mu birowoozo byange. Naye kati okuva lwe . . . Kati, nga bwe njogera mu ngeri ey'okusaaga, ssigenderera kusaagira wano ku kituuti. Naye okuva lwe nnasukka emyaka abiri mu etaano, omulundi ogw'okubiri, ssikyajjukira nga bwe nnateranga okujjukira. Waliwo . . . Ford eno enkadde etambudde mayiro nnyingi nnyo, kale ssikyabijjukira. Naye kasita mba nga nsobola okusenvula ne nva mu kifo, njagala buli kusenvula nkuweeyo olw'ekitiibwa ky'Oyo Eyandokola.

22 Kati si, bwe nneetegereza, enkya ya leero, ndaba . . . Kino ob'olyawo kirabika nga ekitali kya bulijjo, era ob'olyawo eri entegeera ey'amagezi ag'obwongo kyandirabika nga okutabulwatabulwa okwereere, naye kikwatagana n'ekyo kye nnayitibwa okukola. Na buli kantu konna kabeera kabonero

gyendi. Nneetegereza Omwoyo oyo, okulaba bw'Atambula. Bwentyo oluusi bwe nfuna obubaka bwange, nneetegereza ne ndaba engeri Omwoyo gy'atambulamu, ne ndaba *ono* ky'ayogera, n'*oli* ky'ayogera.

23 Era mundabyenga, emirundi mingi, olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa bwe luba terunnatandika, nnyimirira awo ku kadaala, manya ntuula emabega, ne nneetegereza ebigenda mu maaso; mbeera mpulira Mwoyo, engeri gy'Atambulamu, era mbeera mmanyi ekitawaanya omuntu oyo abeera atudde awo. Mukiraba? Mmulaba nga atambula, erudda *wano* eno, mukiraba, otegeera engeri Omwoyo gy'atambulamu nga tonnagenda na ku kituuti.

24 Oluusi nga ssinnaba na kujja mu lukuŋŋaana, oluusi, nga ssinnaba na kujja mu kifo nga wano mu California, ntuddenga wamu n'abo ababeera nange, ne mbagamba nti, "Waliwo ekintu bwe kiti ekigenda okubaawo, *kino* kijja kubaawo wano, ate *kino* kijja kubaawo wano eno, kijja kubeera bwe *kiti*," mukiraba, kubanga kiri mu Mwoyo wa Katonda. Ye. . . Yamanyirawo ebintu byonna okuviira ddala ku lubereberye, mukiraba, kale n'olwekyo Ye Oyo Ataggwaawo.

25 Era kati nneetegerezza, enkya ya leero, Ow'oluganda Jewel Rose, mukwano gwaffe omulungi ennyo era muganda waffe fenna, engeri gye yasituse n'asoma Zabbuli eyo. Mulabe ekyo engeri gye kikwatagana, nga bwe yagambye nti, "Njagala ndabe ekika ky'ensigo ekulengejjerako." Akawungeezi ka luli, Omwoyo yayogera n'agamba, nga ayogera ku, "Nkuba ey'oluvannyuma, enkuba ey'olubereberye n'enkuba ey'oluvannyuma, yonna okufukumulwa mu nnaku ez'oluvannyuma." Ate ku makya ga leero ayogedde ku, "Nsigo ekulengejjerako." Mukiraba, Omwoyo nga y'ayogera, mulabe engeri gy'Ayogeddemu okuyita mu baweereza bano, n'abalala, enkya ya leero. Kale n'olwekyo ŋŋenda kwogera ku mutwe guno ogugamba nti: *Ensigo Terisikira Wamu Na Kisusunku.*

26 Ogwo mutwe gwa kyakuyigako ogutali gwa bulijjo n'akatono, naye, *Ensigo Terisikira Wamu Na Kisusunku.* Era njagala nkisimbe, nga nzija okuwumbawumba kwange, manya, eky'okuyigako kyange, mu Abaggalatiya 4:27, ssatu, nga wano Pawulo weewaawo ayogera ku zzadde ery'omubiri erya batabani ba Ibulayimu ababiri. Kaakati, kino, njagala nkozese kino musobole okukakasa nti tekibayitako. Era obudde bwange bwe bunaaba buweddeyo, nja kukyongerezaako akawungeezi ka leero. Era njagala njigirize, mu ngeri ya ssomo lya Ssande sukuulu, nga nzikiriza nti, munaasobola, okukitegeera obulungi.

27 Era si. . . Kati eri abamu ku mmwe abasajja kino a— abasobola okukikola obulungi okunsinga, weewaawo. . . Ssiri muntu eyasomerera eby'eddiini, wadde n'akatono. Kale bwe muba nga temukkiriziganya nange ku Kino, muwulire nga

bwe nnawulidde ekiro kya jjo mwannyinaffe omu wano bwe yanfumbidde ppaayi y'ensaali. Nnabadde ntudde ku—ku . . . mu kisenge kyange mu wooteeri enkya ya leero, ne—ne nnuma ensigo, naye ppaayi nnasigadde nkyagirya. Nnaggyeemu buggya nsigo, mukiraba. Kale, ekyo, ekikirimu ky'otokkiriza, kiteeke ku bbali, mukiraba, ogende mu maaso n'okulya ekyo ky'olowooza nti kituufu.

28 Kati, Pawulo ayogera ku batabani ba Ibulayimu ababiri, nga, omu ku bo yamuzaala mu Saala nga omulala yamuzaala mu Agali. Kati tukiraba wano, era tukitegeera okuyita mu Byawandiikibwa, nti Katonda tewali we yali ayoleseddwa mu bintu bibiri. Ayolesebwa mu bisatu. Lubeerera, Katonda atuukirizibwa mu bisatu.

29 Okubala kwa Bayibuli kwonna kwe kumu. Katonda atuukirizibwa mu bisatu, asinzibwa mu musanvu, n'ebirala bwe bityo. Mukiraba, n'olwekyo tu—tukiraba nti okubala kwa Bayibuli tekulemererwa.

30 Kaakati wano tulina abaana ba Ibulayimu babiri, ate nga ffe okubeera abasika tulina okuba nga tusibuka mu omu ku baana abo, oba nga tusibuka mu omu ku baana ba Ibulayimu. "Kubanga ffe bwe twafiira mu Kristo, twafuuka zzadde lya Ibulayimu, era tuli basika wamu Naye okusinziira ku kisuubizo," n'olwekyo Ibulayimu ateekwa okuba nga alinayo Omwana omulala.

31 Kati, tukimanyi nti omwana we omubereberye yamuzaala mu Agali, era tukiraba nti omwana we ow'okubiri yamuzaala mu—yamuzaala mu Saala. Naye yalina Omwana ow'okusatu, nga ye yali Yesu. Kati, ekyo kiyinza okulabika nga ekyewuunyisa, naye ekyo kye tugenda okugezaako okunnyonnyola. Nga bwe ŋŋambye, Katonda bulijjo Yeeyoleka, nga atuukiridde, mu bisatu. Era kati nkirambise bulungi gyemuli mwenna, naddala eri abo abaasomerera eby'eddiini, nti ebintu bino nze bwenti bwe mbiraba, mu ngeri gye binzijira.

32 Nga ku lubereberye, Katonda, Katonda yali abeera yekka, kubanga Ye yali Oyo Ataggwaawo, mukiraba, teyali na Katonda. *Katonda* kitegeeza "ekintu ekisinzibwa." Era Logos, nga bwe tugiyita, Ekigambo ekyava mu Katonda, Ekyo, buli omu akimanyi nti Oyo ye yali Malayika wa Mukama, oba Ekigambo kya Mukama, ekyagoberera Abayisiraeri okuyita mu ddungu; Malayika ow'Endagaano, Logos eyava mu Katonda. Era oluvannyuma Logos eyo yayambala omubiri n'ebeerako naffe. Kati tuli mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 1 awagamba nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda." Era kati, nga bwe Yawaayo obulamu Bwe ku lwaffe, kati Omwoyo We akomawo n'atukkako. Yesu yagamba nti, "Ku lunaku luli mulitegeera nga Nze ndi mu

Kitange, ne Kitange mu Nze; Nange mu mmwe, nammwe mu Nze."

33 Mukiraba, Abaddenga Katonda, ebbanga lyonna, Katonda nga Yeeyoleka, nga Akola okuyita mu mirembe egy'enjawulo. N'olwekyo ebisatu ebyo, ebya, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, ye Katonda y'omu nga akolera mu nneeyoleka za ngeri ssatu. Naffe olwa leero, Ekkanisa nga Yo, tuli nneeyoleka ya ndowooza ya Katonda gye yalina nga n'ensi tennatondebwa, okubeera n'e—n'Ekkanisa. N'olwekyo abo abali mu Kristo baali mu Kristo ku lubereberye, ebyo bye byali ebirowoozo Bye, era ebirowoozo Bye ze nneeyoleka Ze.

34 Wano ensigo etandika, mu kisuubizo. Era Ibulayimu wano yabuusabuusamukko, bwe yazaala Isimaeri. Era njagala mbalage emitendera esatu egya bino, egy'Ensigo eno gye tugenda okwogerako, etasikira wamu na kisusunku. Kati tukiraba nti, ku lubereberye wano, nti Katonda yawa Ibulayimu ekisuubizo.

35 Ekisuubizo, yasooka kukiwa Adamu. Era nga ekyo kyali nti, manya, endagaano yaliko obukwakkulizo. "Bw'otookole *kino*. Bw'onookikola *Kino*."

36 Naye bwe Yagiwa Ibulayimu, teyaliiko kakwakkulizo konna, "Nnamala dda okukikola." Teya. . .Kye Yakola, gye Yawa Ibulayimu, teyaliiko kakwakkulizo konna. Kati, era okuyita mu ekyo, nga Ibulayimu bw'ali nti y'alina ekisuubizo, n'olwekyo tulina kuba Nsigo ya Ibulayimu. "Tekyali eri Ibulayimu yekka, wabula n'eri Ensigo ye erijja oluvannyuma lwe." Kati bwe weetegereza obulungi, tekigamba nti "ensigo ennyingi" ezirijja oluvannyuma lwe, wabula "Ensigo" emu erijja oluvannyuma lwe.

37 Kati tukiraba nti ekisuubizo, Saala bwe yakibuusabuusaamu akatono, era Saala n'agamba Ibulayimu atwale Agali ono, eyali Omumisiri, omuwala omuto, abeere mukyala we, mbu eyo ye yali engeri Katonda gye yali agenda okuyimusaamu ensigo eno ey'ekisuubizo.

38 Kati, mulaba, okuva ku ekyo kye nnagambye akawungeezi k'eggulo, okuseeseetuka okw'engeri yonna okuva ku nteekateeka ya Katonda eyo eyasooka kutabangula enteekateeka yonna. Tetusobola kuva ku Kigambo ekyo nnakabala. Kirina. . .Ekyo twakyogeddeko akawungeezi ka jjo, manyanga, akawungeezi ka luli, bwe twayogera ku Balamu. Yafuna eky'okuddamu kya Katonda, ekitangaavu era ekirambulukufu obulungi nti, "Togenda!" Naye Alina okwagala okujja olw'okumuwaliriza. Era osobola okukolera mu kwagala okwo okw'okuwaliriza bw'oba oyagadde, era okwagala okwo okw'okuwaliriza Katonda ajja kukuleka kumuweese ekitiibwa, naye era kusigala si kwe kwagala kwa Katonda okutuukiridde. Era okwo kwe tulina okufuba okufuna, okwagala Kwe okutuukiridde, so si okwagala Kwe

okuwaliriziddwa. Obwakabaka bwa Katonda, bw'A. . . obuli ku nsi olwa leero, bujja . . . tebuliyinza, n'akatono kuzimbibwa, ku kwagala okuwaliriziddwa. Kirina okukomawo ku kwagala Kwe okutuukiridde.

39 Kati tukiraba wano nti Saala, oluvannyuma lwa Katonda okugamba Ibulayimu nti omwana yali wa kuzaalibwa kuyita mu Saala, omwana aliwa ensi omukisa, kaakati ate Saala n'akibuusabuusa. Njagala mwetegereze, tekyaleetebwa Ibulayimu; wabula kyaleetebwa Saala, omukazi. Era yakibuusabuusa, n'amugamba nti, "Twalamu Agali." Era Ibulayimu yali tayagala kukikola, naye Katonda n'amugamba agende mu maaso amale gakikola. Bw'atyo n'akikola, yabuusabusaamukko. Kati, Isaaka, eyali ow'eddembe era eyazaalibwa omukazi eyaweebwa ekisuubizo, yali tayinza kusikira wamu na Isimaeri, eyazaalibwa omuzaana, mu kubuusabuusa.

40 Ky'ekyo Pawulo kye yali agezaako okwogera wano. Mukiraba, ekintu kimu kisobola okubuusibwabuusibwa, ne kibaako ekintu kya Katonda ekimu kye kireeta, enkola ya Katonda emu, naye enkola eyo terisikira wamu na nkola ya Katonda nnakabala. Mukitegeera? Mukiraba, tekisobola kusika.

41 Kati eyo y'ensonga lwaki olwa leero nvumirira nnyo. Era nnalowoozezza nti ob'olyawo kino kinaaba kiseera kirungi, kubanga simanyi kiseera kyenkana wa kye tunaamala nga tuli fenna, naye, ob'olyawo, mu ngeri emu oba endala Katonda anannyamba ne mbalaga ensonga lwaki nvumirira nnyo eddiini. Mukiraba? Mulabeeyo, tesobola kusikira wamu na nteekateeka ya Katonda nnakabala, kubanga ekibiina ekigunje si kya Katonda. Wabula kya muntu. Ekkanisa eyasookera ddala okugunjibwamu ekibiina ky'eddiini, mu nsi yonna, yali ekereziya Katolika ey'e Rooma e Nikyeya, mu Rooma. Okubikkulirwa 17, wagamba nti, "Yali mukazi omwenzi, n'abaana be bonna baali bamalaaya." Era omukazi omwenzi ye mukazi atali mwesigwa eri bba, era ne malaaya kye kintu kye kimu. Naye, mulaba, era, yafuuka kkanisa. Nkola eyagunjibwawo era eyawulamu obwasseruganda. Tugezezzaako okutegeka amakanisa gonna tugagatte wamu. Tekijja kukola; tekikolangako. Tekirikola yadde. Akakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, bali . . . kali bweru wa ntegeka ya Katonda.

42 Kati oyinza okuŋŋamba nti, "Ggwe ani, omuntu obuntu ayimiridde waggulu awo atalina wadde obuyigirize?" Ekyo tekirina kye kikyusa yadde, oba nnina buyigirize bwa ddaala ki. Obuyigirize bwange si bwe ngezaako okwogerako.

43 Kigambo kya Katonda kye njogerako, mukiraba. N'okukakasibwa kuno kwe mulaba mu buweereza, si kwa kukakasa nze, wabula Katonda y'agezaako okubakakasa, nti ago ge Mazima. Katonda asobola okuba n'akakwate konna

n'obulimba? Kati nno kikafuuwe nze, okuweereza Katonda asobola okuwa omukisa obulimba. Amazima g'Awa omukisa, Amazima ge Yassaamu ekitiibwa.

44 Kati, Isimaeri yali tayinza kusikira wamu na Isaaka, kubanga omu yajja lwa kubuusabuusa okutono, baabusabuusaamu katono ne bamuzaala. Yali mwana, yasigala zzadde lya Ibulayimu, naye teyajja mu ngeri ya Katonda etuukiridde gye yalina okujjamu: Isimaeri. Kati wano nnandimazeewo obudde obuwerera ddala, naye nsuubira nti kino Omwoyo Omutukuvu anaakibalambululira mu ngeri yennyini nga bwe kirina okuba.

45 Kati bwe baba nga, Isimaeri ne Isaaka bwe baba baali tebasobola kusikira wamu kubanga entegeka ya Katonda nnakabala yawaanyisibwamu ne—n'entegeka ya Katonda eyajja olw'okuwalirizibwa, engeri ey'okuwaliriza Katonda gye yawa omukisa, bw'etyo n'Ekkanisa ey'omwoyo olwa leero tesobola kusikira wamu na ya kibiina kya ddiini. Bannabibiina by'amadiini, waliwo omukisa Katonda gwe yabawa, nga bwe Yakola Isimaeri, naye ey'Omwoyo terisikira wamu na ndala. Ekyo bwe kiri. Wajja kubaawo, okuva mu kkanisa ey'ekibiina ky'eddiini (eyeeyita ekkanisa, ekkanisa ey'omubiri), mujja kuvaamu Omugole wa Kristo, Abalonde.

46 Kati awo, ekintawaanya mu kiseera kino, kwe kukimanyi nti tulaba ebibiina by'amadiini bino byonna nga bisika biyingiza mu kino kye tumanyi nti kye. . .kye muyita enkuba ey'oluvannyuma, oba, okufukibwa kw'Omwoyo. Mukitegeera nti Yesu yagamba, nti, "Ekyo bwe kiribaawo, enkomerero eriba etuuse"? Nga, embeerera ensirusiru n'embeerera engezi tezaawerwa wamu busika. Kubanga bwe. . .Embeerera ensirusiru, yali mbeerera, wabula nga ebulwako Mafuta. Naye bwe yajja okugula Amafuta, ako ke kaseera Omugole omusajja we yajjira. Era yalekebwa wabweru, bwe yali agezaako okugula Amafuta. Mukitegeera? Ekyo njagala kinnyikire, ddala bulungi. Kati, eky'amazima eky'okuyigako ekyo tekigenda kunneetaagisa kugenda nakyo mu maaso kusukka awo. Kati, bwe kityo mu ngeri y'emu eky'Omwoyo n'eky'omubiri tebiyinza kusikira wamu.

47 Y'ensonga lwaki waliwo Okukwakkulibwa, Omugole, embeerera engezi, abaayitibwayo, abaayawulibwa, abalonde! Kati, mmwe abasajja abasuubuzi temuyinza kuddukanya woofiisi yammwe nga abantu abamu bwe bagezaako okulowooza nti y'engeri Katonda gy'addukanyaamu enteekateeka Ze, mu ngeri ya kumala gakola. Katonda yamanya, nga n'ensi tennatondebwa, ani alirokoka ne ani atalirokoka. Olw'okwawulibwa, olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo, Yalaba buli mmemba, n'ateeka buli linnya mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, nga Ekkanisa tennaba wadde okutandika. Yesu yajja okunoonya n'okulokola

abo abaali mu Kitabo ekyo. Yagula Ekitabo ky'Obununuzi. Kyali kyabula, naye n'Atununula, era amannya gonna agaali mu Kitabo ekyo gaanunulibwa bwe Yatununula.

48 Era, nga bwe ŋŋambyenga emirundi mingi, ekyo mukitegeera. Y'ensonga lwaki muli wano enkya ya leero, y'ensonga lwaki muva mu bibiina by'amadiini bino byonna n'ebintu ebirala. Obeera. . . Waliwo Ekintu ekikusika. Nga akalowoozo kange ke nnabanyumiza, akakwata ku mpungu eyayalulwa enkoko, okiraba, o—okitegeera nti waliwo eky'enjawulo. E—ekkanisa teyalina ki—kintu kimatiza. Naye, ggwe, waliwo ekintu ekirala kye wawulira kireekaana, okuleekaana okwo n'okutegeera, n'okitegeera nti wazaalibwa lw'Ekyo. Oli kitundu ku Kyo. Ggwe, okwatagana na Kyo, nga giraavu bw'ekwatagana n'ekibatu. Eyo y'ensonga lwaki tukuŋŋaanye wano enkya ya leero, eri lwakuba, nga mmange omukadde okuva mu bukiikakkono bwe yateranga okugamba nti, "ebinyonyi ebifaananaganya ebyoya bibuukira wamu," kubanga mulina bye mufaananaganya.

49 Ensega n'amayiba tebirina kye bifaananaganya. Emmere gye birya ya njawulo, wadde nga ejjiba lisobola okwalulwa ensega. Bwe kiri. Kisinziira ku kiki kye kyali, okusooka kwa byonna. Kaakati, era mu ekyo, wadde, e—ejjiba kiyinza okulyetaagisa okulabirirwa ensega, eyo okumala akaseera, naye ku nkomerero ya byonna lijja kuzuula jjiba linnaalyo.

50 Ekyo Ekkanisa ky'ekola olwa leero, kubanga Yesu ye Kigambo era Ye Mugole omusajja, era Omugole omukazi kitundu ku Mugole omusajja. N'olwekyo Ekigambo eky'okutuukirizibwa mu kiseera kino kye kitundu kye kimu eky'Ekigambo ekyatuukirizibwa mu biro Bye, era kye Kigambo kye kimu, bumanyirivu bwe bumu, Bulamu bwe bumu.

51 Kubanga, Katonda bwe yayawula Adamu, yali byombi. Tukiraba nti, Adamu yali mwoyo, okusooka kwa byonna. "Yakola omuntu mu kifaananyi Kye Ye, mwe Yabatondera omusajja n'omukazi." Kati ate, Olubereberye 2 n'okweyongera mu maaso, n'Atonda omuntu mu. . . okuva mu nfuufu y'ensi. Omuntu yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda (Katonda Mwoyo), n'olwekyo omuntu muntu ow'omwoyo. Kaakati oluvannyuma bwe yafuuka omuntu ow'omubiri, omubiri ogw'ensolo ku nsi, wano Yali—Yali alaga, yali alaga Mugole. Teyatoola ttaka ddala kukola kitonde kirala, naye Yaddira ekitundu kya Adamu, ekitonde nnakabala, n'amuggyamu, olubiriizi okuva mu mbiriizi ze; n'addira omwoyo gw'ekikazi n'agujja mu Adamu, n'amulekamu omwoyo gw'ekisajja, omwoyo guli gwe yaggyamu n'aguteeka mu kitundu ky'ekikazi. N'olwekyo, kitundu ku mwoyo gwe, kitundu ku mubiri gwe; nnyama ya nnyama ye, ggumba lya ggumba lye; Kigambo kya Kigambo Kye, Bulamu bwa Bulamu Bwe, era Omugole bw'atyo bw'ali eri Kristo!

52 Y'ensonga lwaki Okukwakkulibwa kw'Ezzadde ery'olulyo Olulangira kwe kulina okusooka okubaawo. Era abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka lukumi lwe gyaggwa, oluvannyuma ne baleetebwa ku kusala Omusango okw'Entebe Enjeru. Mukiraba, tewali kusalirwa Musango eri Ezzadde ery'olulyo Olulangira, manya Ezzadde lya Ibulayimu eryayawulibwa. Kati bw'osoma enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24, muwulirize kino, "Oyo awulira Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe."

53 Kati ekyo nga kyandibadde kyawukana nnyo n'enjigiriza zaffe ez'eddiini? Kati nsobola okufuluma ne mbaako we ŋŋenda wano eno ne mbuuza omutamiivu nti, "Okkiriza?" "Weewaawo!" Ne mbuuza omusajja ali ne muk'omusajja nti, "Okkiriza?" "Weewaawo!" "Akawungeezi ka jjo watudde mu lukuŋŋaana, n'owulira Ekigambo?" "Weewaawo!" "Okikkiriza?" "Weewaawo!" Naye nga ekyo amala gakyogera bwogezi.

54 Naye enzivuunula eyasookera ddala ey'Ekigambo kino eri nti, "Oyo *ategeera* Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma." "Oyo ategeera," nga ekyo kitegeeza nti, oyo gwe Kibikkulirwa n'akitegeera.

55 Yesu yagamba nti, "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era abo bonna Kitange be yampa, bajja kujja. Endiga Zange, amayiba Gange, gawulira Eddoboozi Lyange. Omugenyi tezijja kumugoberera." Kati Eddoboozi lya Katonda kye kiki? Kye Kigambo kya Katonda. Eddoboozi ly'omuntu yenna kye kiki wabula ekigambo kye? Kye Kigambo kya Katonda; zijja kuwulira Ekigambo kya Katonda.

56 N'olwekyo ezzadde ery'omubiri lyali lyetikka bwetissi, okusooka okuyita mu Isimaeri, ne kuddako Isaaka, oluvannyuma Ensigo n'ejja. Nga bw'olaba ekikolo, oluyange, n'ekisusunku, ebya kasooli. Kaakati, wano, emitendera esatu egy'ensigo gitulaga ekifaananyi ekituufu kye njagala mwetegereze wamu nange enkya ya leero. Tulaba wano.

57 Era nga bwe ndi nti ssirina buyigirize, nnina okukozesa ebintu eby'obutonde bye ndaba, okubifaanaanyiriza n'ebintu eby'omwoyo ebimbikkuliddwa, kubanga ssirina lulimi lwonna lwe nnyinza kukozesa kubibannyonnyola ne mubitegeera.

58 Ate, era nga oggyeeko ekyo, Katonda bulijjo ageraageranya eby'omwoyo n'eby'obutonde. Ssinga tewaaliwo Bayibuli, era nnandikitegedde nti Obukristaayo butuufu, kubanga ensi yonna yeetooloolera ku kufa, kuziikibwa, na kuzuukira. Obutonde bukolera ku kufa, kuziikibwa, na kuzuukira.

59 Laba amasanda agava mu muti, engeri gye galeetamu ekikoola, n'ekibala, ne binogokako; ne gaddayo mu ttaka olw'ekiseera ky'obutiti, wansi w'ettaka; ne gaddamu ne gavaayo

mu kiseera kya ttoggo, n'obulamu obuggya. Buli mwaka, nga gajulira nti waliwo obulamu, waliwo okufa, waliwo okuzuukira.

60 Enjuba evaayo ku makya, nga omwana omuwere eyaakazaalibwa, nga nnafu nnyo. Ku ssaawa nga emu oba bbiri ez'oku makya, n'egenda ku ssomero. Ku ssaawa nga nnya oba ttaano, n'emaliriza siniya. N'eyakaayakana mu maanyi gaayo, okuva ku ssaawa nga ttaano eza kalasamayanzi okutuuka ku ssaawa nga mwenda ez'olweggulo, awo n'etandika okunafuwa. Akawungeezi n'egolooba, n'enafuwa, nga omusajja omukadde. Eyo y'ebeera enkomerero yaayo, bw'efa? Nedda. Amakya agaddako eddamu n'ezuukira. Mukiraba?

61 Obutonde bwonna, Bayibuli yo entuufu ddala ekwatagana ne Bayibuli eno! Era kati ekyo kye ngezaako okubalaga enkya ya leero, okuyita mu butonde ojja kulaba Ekigambo kya Katonda, nga bugeraageranyiziddwa n'e—n'Ekigambo kya Katonda, kubanga obutonde bwakolebwa Katonda.

62 Nga ssaayansi, bazuula enkola n'amateeka g'obutonde, naye tebamanyi butonde obwo kye buli. Tebamanyi Bulamu bwa butonde. Ye Katonda. N'olwekyo, enkola entuufu awatali maanyi gagikozesa terina ky'egasa.

63 Kaakati, ekikolo, oluyange, n'ekisusunku, mulabeeyo. Agali wano yali akiikirira ekikolo, nga bwe bulamu obwasooka obwatandikira mu kisuubizo. Saala akiikirira oluyange, manyanga empumbu, ejja mu luyange. Malyamu, embeerera, yali akiikirira era n'azaala Ensigo entuufu ey'omwoyo, okusobola okuzaala ekikolo kyennyini ekya nnamaddala. Agali ne Saala, bombi baazaala kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi. Naye Malyamu, embeerera, yazaala ku bwa maanyi ga Kigambo kya Katonda ekyasuubizibwa, okuyita mu kuzaala kw'embeerera. Yazaala Ensigo eya nnamaddala. Ekikolo, Agali, omukyala ow'okubiri, n'azaala olw'okubuusabuusa ekisuubizo, nga akolera okuyita mu kubuusabuusa, okutono.

64 Nyabula nsuubira, nsaba Katonda atuyambe. Ssi . . . Mpulira nga kino, njagala nnyo mukirabe. Tosobola kubuusabuusa Kigambo wadde akatono bwe kati. Olina okukitwala nga bwe Kiri. Tekyetaagisa kuvvuunulwa kwonna. Bayibuli egamba nti, "Ekigambo kya Katonda tewali alina kukiwa nzivuunula yiye ku bubwe." Katonda teyetaaga wadde erimu bwe liti ku matendekero gaffe kuvvuunula Kigambo Kye. Bw'Akikakasa n'akifuula Kiramu, okwo kwe kuvvuunulwa kwa Kyo. Katonda bwe yagamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala," ekitangaala kyabaawo. Ekyo tekyetaaga kuvvuunulwa. Bwe Yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto," yalufuna. Tekyetaaga kuvvuunulwa.

65 Bino byonna tetubyetaaga, amatendekero g'amaddiini gano n'ebirala by'ebitabulatabula abantu ne bagamba mbu, "Kati, *ffe* tulina okuvvuunulwa okutuufu. *Ffe* tulina okuvvuunulwa okutuufu."

66 Katonda Mwene ye Yevvuunulira Ekigambo Kye Ye. Teyeetaaga muntu yenna kumuvvuunulira. Yagamba nti, "Kiribaawo," era ne kibaawo. Yagamba nti mu nnaku ez'oluvannyuma alifuka Omwoyo We, era Yakikola. Ssifaayo ku kiki ebibiina by'amadiini kye bigamba, era, Yakikola, kubanga Yagamba nti Alikikola. N'olwekyo, Tekyetaaga kuvvuunula, kubanga Katonda ye Yevvuunulira Ebibye.

67 N'ebintu bino bye mulaba, mu kaseera kano ebirabika nga ebitategerekeka gye muli, singa mu. . .Mujjukire obuweereza bwammwe, mmwe Abapentekoote, emyaka nga asatu oba ana egiyise, bwali tebutegeerekeka eri—eri ekkanisa y'Abamesodisiti n'ey'Ababaputisiti, nga na Kino bwe kiri gye muli leero. Naye kati mukirabe mu Kigambo. Ngezaako okubalaga nga nammwe bwe mwagezaako okubalaga. Kale Katonda bw'akyuka n'agamba nti Kigamba bwe kiti, mu Kigambo, n'ava awo n'akikakasa nti ddala bwe Kiri, okwo kwe kubeera okuvvuunula kwa Katonda Mwene. Teweetaaga muntu yenna kukuvvuunulira.

68 Kati, Agali, ne "akatono ennyo"! Mujjukire nti, Omwo tosobola kuggyamu wadde Ekigambo ekimu bwe kiti. Era Yesu yagamba, mu Kubikkulirwa, mu kuwumbawumba kw'Ekitabo. Ate nga ku ntandikwa y'Ekitabo, Kristo yagamba nti, "Omuntu yenna eyaggyamu Akatundu kamu bwe kati okuva mu Kigambo ekyo!" Ekigambo kimu bwe kiti ekyavvuunulwa obubi, kye kyavaako buli ndwadde yonna, n'okufa, bye twali tubadde nabyo. Kaakati, Katonda, Oyo omutukuvu, bw'aba yatunula wansi; n'aganya emivuyo gino gyonna okubaawo olw'okuvvuunula obubi Ekigambo kimu kyokka bwe kiti, nga akantu konna akaali kakontana n'Ekigambo ekyo eky'enkomeredde ke kaavaako emivuyo gino gyonna; n'okubonaabona, n'okuyiwa omusaayi awamu n'okufa kw'Omwana We Yennyini, okusobola okutabaganya ekintu kino ekibi okukizza gy'Ali; tunaayingira tutya awatali kukuuma Kigambo kyonna mu bulamba bwakyo?

69 "Naye," mugambye nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kyali mu Lubereberye." Nkiwulidde munda mu nze, mukiraba.

70 Naye muleke mbabuulire, Okubikkulirwa, ekyo ky'ekitundu ekisembayo eky'Ekitabo. "Oyo yenna aliggyamu yadde Ekigambo ekimu bwe kiti okuva mu Kitabo ky'obunnabbi buno, oba aligattako wadde ekigambo ekimu ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu."

71 Yesu yagamba, mu makkati g'Ekitabo! Baabo abajulirwa abasatu nate era: Olubereberye, Endagaano Empya, n'omulembe mwe tuli. Yesu yagamba nti, "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

"Naye, Yali takitegeeza."

72 Yali ayogera n'abantu abaali baasomerera eby'eddiini, okutuuka ku ddaala erisembayo waggulu. Bakabona abo, bajjajja-ba bajjajja-ba bajjajja-ba bajjajja-ba bajjajja-baabwe baalina kuba bakabona. Okunyoola Ekigambo kimu bwe kiti ku Kyo, nkukakasa, mazima ddala kyabanga kibonerezo kya kufa. Baalina kukubibwa mayinja, olw'okusubwa Ekigambo kimu bwe kiti. Naye baali baakivvuunula bubi. N'olwekyo Ekigambo Kyennyini; Katonda bwe yasuubiza okusindika Masiya, era n'amusindika nga abikkiddwa mu lugoye lwennyini olw'omwana omuwere lwe Yasuubiza nti mw'Alijjira, naye bo baalina olugoye lw'omwana omuwere olw'enjawulo mwe baali baagala Abikkibwe.

73 Leka njogere kino: Ne leero bwe kiri, nti tebakitegeera! Tekibikkiddwa mu lugoye lwa ddiini, oba olw'entegeera ey'obwongo. Kibikkiddwa mu lugoye olw'amaanyi n'okuzuukira, n'okulabisibwa kwa Kristo eyazuukira, nga Katonda bwe yakisuubiza, so si mu lugoye lwa ndowooza z'abantu ze bakirinako.

74 Kati, Agali, olw'okuweebuukamukko katono, okuyita mu mukazi, kati si kuyita mu Ibulayimu. Ibulayimu yali tayagala kukikola, naye Katonda yamuganya akikole kubanga ya . . . Kye kintu kye kimu, Yaleka Balamu agende mu maaso. Kaakati mulabeeyo, olw'okwawukanamukko katono okukivaako, yazaala Isimaeri, eyali omusajja ow'eddalu, ataawangulwanga. Yabeerangawo lwa mutego gwe. Yali musajja wa ddalu. Ne leero, ky'ali.

75 Kati Saala, oluyange, manyanga empumbu, Saala, omukyala omutuufu ow'ekisuubizo, azaala omusajja omuntumulamu, oluvannyuma eyazaala eggwanga eryasuubizibwa.

76 Kaakati, naye, Malyamu, awatali kikolwa kya kwegatta, wabula okuyita mu kisuubizo, era nga ne Ibulayimu bwe yafuna ekisuubizo okuva eri Katonda, Ekigambo kya Katonda, naye yakkiriza ekisuubizo bwe yagamba nti, "Laba nze ndi muzaana wa Mukama," mukiraba, n'atazaala kikolo, wabula n'azaala Ensigo yennyini nnakabala, kubanga Ye yali Ekigambo Ibulayimu kye yakkiriza era Malyamu kye yakkiriza.

77 Kati, Malyamu si ye yali Ensigo, wabula yali kisusunku eri Ensigo. Bali abalala ababiri baali beetissi ba bulamu, baazaala nsigo ya mubiri yokka. Malyamu si ye yali Ensigo, ye nga omuntu; naye okufaananako n'okukkiriza mu Kigambo kya Katonda, yazaala ekifaananyi kyennyini eky'Ekigambo, kubanga Ye yali Kigambo. Naye nga ekisusunku, e . . . eky'eŋŋaano, empeke y'eŋŋaano, ekisusunku kiwanirira eŋŋaano ebeera munda mu kyo ne kigikuuma okutuusa lw'eba nga ekuze ekimala okusobola okubeerawo ku bwayo. Mukiraba? Kati kitegeeza nti, Ensigo nga Yo ye yamuvaako. Nga bwe kiri nti,

Ensigo yali mu nda ye, wabula ye si ye yali Ensigo. Teyazaala Nsigo. Katonda ye Nsigo.

78 Kati, omusaayi, abantu bangi balowooza nti gwali musaayi gwa Kiyudaaya gwe gwatulokola. Era abamu ku bo bagamba nti, "Naye, naffe tulina eddembe okuyita mu B'amawanga, kubanga Lakabu eyali malaaya ne—ne Luusi Omumowabu, n'abalala, baali B'amawanga." Omusaayi ogwo temugulinaako kakwate konna, mwembiriri. Teyali Muyudaaya ate era teyali W'amawanga.

79 Yali Katonda, Logos, Ekigambo ekyava mu Katonda. Bwe, Yatanula okumaamira ku nsi n'Aggyayo obulamu bw'ebyo ebibeera mu mazzi. Omwoyo wa Katonda, Logos, Ekigambo, Katonda kye yayogera nti, "Leka wabeewo," ne wabaawo Logos, nga kye Kigambo. Era Ekigambo ne kitandika oku. . . kubanga bino byonna byali mu Logos; Ekigambo kya Katonda kyonna mu bulamba bwakyo, Bayibuli yonna mu bulamba bwayo, eri buli mulembe. N'olwekyo Logos bwe yatanula okussa omukka ku nsi, wajja obulamu bw'ebyo ebibeera mu mazzi; ne yeeyongera, okutuuka ku bulamu bw'ebinyonyi, okutuuka ku bulamu bw'ebisolo. Ku nkomerero ya byonna ne wajja ekintu ekyali mu kifaananyi, manya ekyali kifaanana nga ekyo ekyali kibyalula, ekyali kibimaamira, Katonda, ne wajja omuntu mu kifaananyi kya Katonda kyennyini.

80 Omuntu oyo n'agwa, nga ensigo bw'erina okugwa. Naye Katonda n'atandika okumaamira omuntu oyo, oluvannyuma lw'okugwa. N'aleeta e—Enoka, n'Aleeta Eriya, n'Aleeta Musa, n'Aleeta nnabbi nga addirira nnabbi, nga agezaako okukomyawo ekifaananyi kiri nate. Era, ku nkomerero ya byonna, ku nsi ne waddamu ne wajja ekifaananyi ekya nnamaddala ekya Katonda Mwene yennyini, eyali Katonda, Logos eyayambala omubiri n'abeerako gye tuli.

81 Kati Logos y'emu eyo erina ekitundu, Erina Omugole, era Logos y'emu, Ekigambo kino ekitayinza kutaataaganyizibwa, kimaamira amakanisa leero, nga kigezaako okukomyawo Ekigambo mu bujjuvu bw'okulabisibwa Kwakyo. Nga, ba— bannabbi baali beetissi bwetissi ab'Ensigo eyo, n'amakanisa g'ebibiina by'amadiini gazze geetikka bwetissi Nsigo eyo kati. Kaakati mwetegereze, mu bwangu ddala, naye kati nga ekisusunku bwe kiwambaatira, ne kinywereza Ensigo munda mu kyo, naye oluvannyuma kigisusumbukako.

82 Yesu yali Katonda. Kye Yali. Kitaawe ye yali Logos Yennyini ey'ekitalo. Naye Logos yonna Yali tasobola kugifukumula mu Musa, kubanga yali nnabbi.

83 Era Ekigambo kya Mukama bulijjo, awatali kulemwa, kijja eri nnabbi. Tewali wantu wonna, tewali mulundi n'ogumu, mu Bayibuli, oba kasookedde Bayibuli ebaawo, okuvvuunulwa okutuufu okw'Ekigambo lwe kwali kuzze eri eyasomerera

eby'eddiini. Tekiriimu mu Byawandiikibwa. Tekwajjako eri Bafalisaayo, tekwajjako eri Basaddukaayo, era Katonda teyayimusaako nnabbi yenna kuva mu kimu ku bibinja ebyo, era Takikolangako ne mu nnaku zino ez'oluvannyuma.

84 Olwabanga okukitandikawo, nga bonna beekuŋŋaanya wamu nga bakikolamu ekibiina ky'eddiini, nga kifa. Naye waaliwo ekigendererwa lwaki kino Yakikola. Tugenda kugezaako okukinnyonnyola, nga Katonda atuyambye. Mwetegereze, kati wano mulaba omukazi, nga y'ekkanisa, bw'esemberedde ennyo ensigo, n'etuuka n'okufaanana nga Ensigo Yennyini.

85 Kaakati mulabeeyo, ensigo bw'egenda mu ttaka, ebeera nsigo yennyini. Bw'emeruka n'evaayo, ereeta obulamu. Naye obulamu obwo obuva mu nsigo y'eŋŋaano bukola ki? Tebubalirawo kikolo kye kimu eky'eŋŋaano mu kaseera ako, manya tebubalirawo mpeke y'emu ey'eŋŋano. Bubeera bulamu bwa ŋŋaano, naye nga buli mu mutendera gwa kyetissi. Era okwo kwe kwali okuddaabulula okwasooka, Luther bwe yeesowolayo n'afuluma ekizikiza ky'emivuyo. Kwalina okufa.

86 Emirundi mingi nnyo, abantu basaasira. Ha, nnina ekitabo kye nnasoma ebbanga ttono eriyise, ekyogera ku, *Katonda Omusirifu,* ekigabibwa abamu ku bafirosoofa bano ab'omulembe guno abagezaako okubaggya ku Katonda. Bw'oba tomanyi Kigambo kya Katonda na ntegeka ya Katonda, osobola okwanguwa okunyeenyezebwa. Naye bw'olaba entegeka ya Katonda, enteekateeka Ye, awo olw'okukkiriza okimanya nti Katonda y'akola; era Katonda ye yeeyoleka Mwene, nga akola ekyo kyennyini kye Yakola mu—mu biro biri ebirala, nga atambula, nga akakasa.

87 Y'ensonga lwaki Musa yali tayinza kunyeenyezebwa. Yayogera ne Katonda maaso ku maaso, era Katonda n'amugamba nti, "Nze nnali ne Ibulayimu mu kiseera kiri eri. Nze nnakola ekisuubizo kino. Nja kubeera naawe." Kaakati omusajja oyo onoomuziyiza otya?

88 Nga nnabbi ow'edda bwe yagamba nti, "Empologoma bw'ewuluguma, ani ataatye? Era Katonda ayogedde, ani ayinza obutalagula?" Bwe tulaba ebintu Katonda bye yasuubiza mu kiseera kino, ne tubiraba nga bituukirira, oyinza otya okuyimirira n'otobaako ky'okola nga okirabye nti eryo ly'ekkubo Lye? Kye Yagamba, nti kijja kubaawo. Mulaba ebintu byonna ebyewuunyisa, naye eyo y'engeri yennyini Katonda gye yagamba gye kiribaawo.

89 Kaakati mulabeeyo, "omukazi," ye kyetissi. Kati, Agali yavaayo nga ekikolo, oluvannyuma ne wajja empumbu, oluvannyuma ne wajja ekisusunku, awo Ensigo n'eryoka ejja. Kaakati mwetegereze ebyetissi bino, okusooka, njagala mwekkaanye.

90 Kati, ekikolo tekirina we kifaanana Nsigo yadde n'akatono, naye Obulamu obwali mu Nsigo buli mu kikolo. Oyo ye yali Luther. Kati, ekikolo kibeera n'emitunsi mingi; kyava ku Luther, ne kidda mu Zwingli, ne kyeyongerayo mu Calvin n'abalala bangi.

91 Kaakati mulabeeyo, bwe kyava awo, ne kikyusa ekifo kyakyo. Kati mwetegereze obutonde, bwe bwoleka Ekigambo kya Katonda, nga enjuba: okufa, okuziikibwa, n'okuzuukira. Okuva awo ne wajja empumbu, oyo yali Wesley. Era mu eyo mwalimu empumbu nnyingi entonotono ezaali zigyekutteko, ezaali zifaanana ennyo nga Ensigo okusinga ku kikoola kiri ekyali ku ŋŋaano oba ku kasooli, bwe kyali kigifaanana. Empumbu eno yali egifaanana nnyo; kubanga, Wesley n'Ekigambo eky'okubiri, Ekigambo kya Katonda eky'okubiri, nga azimba ekkanisa Ye, yajja kuyita mu kutukuzibwa. Obwo bwe bwali obubaka bwe. Kale.

92 Era kati, oluvannyuma lw'akaseera, ekyo kyakongoka ne kiddayo nate mu kikolo, ne kivaamu omunwe gwa kasooli. Naye omunwe gwa kasooli guno bwe gwali tegunnafuuka ekyo, waaliwo omuteeko gw'emisooli, ekisusunku, ekibikkako, ekikuta. Era omulimi w'eŋŋaano yenna, oba omulimi wa kasooli, singa okwata munda omwo okuggyayo omunwe gwa kasooli ogwo oba ogw'eŋŋaano, ojja kulowooza nti akantu—akantu ako akasooka y'ensigo y'eŋŋaano. Naye, kati, ogwo gwe mulembe gw'Abapentekoote. Kati tosobola, ggwe, manya oyo yenna eyasomerera eby'eddiini . . .

93 Manya, munnabyafaayo yenna, akimanyi bulungi nti egyo gy'emirembe, nga bwe gyajja gibaawo. Kwata e—Ekitabo ky'Okubikkulirwa, olabe emirembe gy'ekkanisa, olabe oba nga eyo si y'engeri yennyini gye gyajja gigoberegana.

94 Kati, mu Wesley mwavaamu aba Pilgrim Holiness, Abanazaliini, n'amakanisa ago gonna agakkiririza mu butukuvu, agaali gasemberedde ennyo Ekigambo okusinga okuddaabululwa kw'Abaluzalaani bwe kwali. Naye, mulaba, abagoberezi ba Luther bwe beekolamu ekibiina ky'eddiini, ekyo kye kyaleetera obutunsi obwo okutandika okuvaayo. Era obutunsi buno bwe bwatutunukayo, Omwoyo yenna yava mu kkanisa y'Abaluzalaani eyo, yonna n'esigala nga kibiina kya ddiini kyereere, era abakkiriza aba nnamaddala ne bayingira mu kutukuzibwa.

95 Era okutukuzibwa nakwo bwe kwakola ekintu kye kimu, aba Pilgrim Holiness, n'abalala, n'ebibiina byonna ebyali bikkiririza mu butukuvu, Abanazaliini, n'abalala, eyo nayo Omwoyo yavaayo, ne yeesogga omulembe guno ogw'Abapentekoote. Kaakati mulabe akaweke ako, ak'eŋŋaano, emirundi kakadde kafaananira ddala eŋŋaano eri yennyini, eyasigibwa mu ttaka, okusinga ekikolo bwe kyali kigifaanana oba empumbu bwe

yali egifaanana. Naye singa otuula wansi, n'okateeka wansi w'ekirawuli, n'oyanjuluza obususunku obwo, era nabwo bwetikka bwetissi. Empeke tennatandika. Kakyali kalimi bulimi ke kagenda kavaayo emabega, nga okozesa ekirawuli eky'amaanyi ekizimbulukusa osobola okulaba akasongezo ako, akalinga ka ppini akasongovu, omwo mwe muva ensigo. Era ekisusunku kino wano ekirabika nga ekintu kyennyini, si kye kintu kyennyini. Wabula nda eyeetikka omwana.

96 Nga enda ya Malyamu bwe yali. Malyamu si ye yali Ensigo, okusinziira ku kifaananyi kino wano eky'ekikolo. Yali mwetissi bwetissi ow'Ensigo, nga n'abalala bwe baali. Naye kubanga yasooka kuyitibwa era n'alondebwa, Katonda Mwene, olw'ekigendererwa kino, kyalabikamu nga mikwano gyaffe Abakatuliki bwe bayinza okulowooza, nti ye yali nnyina Katonda. Nedda, si ye yali nnyina Katonda, era si ye yali Ensigo ya Katonda.

97 Eggi liva mu mukazi. Katonda y'aleeta o—obulamu. Enkula y'obulamu, omusaayi, ebeera mu kitonde kisajja.

98 Enkoko esobola okubiika eggi oba ekinyonyi kisobola okubiika eggi, mu kiseera ekya ttoggo ne kizimba ekisu kyakyo, naye ekinyonyi ekyo ekikazi bwe kiba tekisisinkananga kinyonyi kisajja, eggi eryo teriyinza kwalulwa. Libeera ffu. Lijja kuvundira awo wennyini mu kisu.

99 Nga bwe ntera okugamba nti, ogwo gwe mutawaana amakanisa gwe galina ensangi zino, gavundira mu kisu mwennyini, ekiyitibwa Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapentekoote, n'ebirala. Bwe gateegatta na Kigambo, Kyennyini, gavundira awo wennyini mu kisu, mu bibiina byago.

100 Kaakati, kati abamu ku bo ne bava awo ne bagamba, okusinga ennyo ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki bakkiriza nti eggi lyava mu Malyamu. Ekyo bwe kiba bwe kityo, mulabe kye muba mukozesezza Yakuwa Katonda. Eggi terisobola kubaawo awatali nkyukakyuka ya bwagazi mu mubiri gwo.

101 Kati, mukiraba, byombiriri eggi n'akaweke ak'obulamu Katonda ye yabitonda, byombiriri Ye yabitonda mu nda ya Malyamu. Era Omuntu oyo teyali kirala kyonna wabula yali Katonda Mwene ayambadde omubiri n'abeerako gye tuli, Emmanweri, teyali muntu mulungi kyokka, oba nnabbi kyokka; Yali Muntu omulungi era Nnabbi; teyali muyigiriza, eyasomerera eby'eddiini. Ha, Yandiba—Yandiba nga ebyo byonna yabiri; Yali Byonna-mu-Byonna. Naye waggulu w'ebyo byonna, Yali Katonda Mwene. Bayibuli egamba nti, "Twalokolebwa na Musaayi gwa Katonda." Katonda Mwene, si muperesoona wa kusatu oba omuperesoona ow'okubiri. Ye Yennyini, Katonda Mwene, Yakuwa ow'amaanyi, ye yasiikiriza Malyamu; era

Omutonzi, n'atonda akatoffaali k'omusaayi, obulamu, wamu n'eggi.

102 Ekyo bw'osobola okuleetera Omuyudaaya okukiraba, obeera. . .amanyi Masiya y'Ani. John Rhyn bwe yawonyezebwa engulu eri ku mwalo gw'e Benton Harbour, yali amaze emyaka amakumi ana nga muzibe wa maaso. Labbi oyo yambuuza, n'aŋŋamba, nnamusisinkana ne twogera, n'aŋŋamba nti, "Tosobola kusalaasalamu Katonda bitundu bisatu n'omuwa Muyudaaya."

103 Ne mmugamba nti, "Abamu ku bo bakikola. Naye ffe Katonda tetumusalaasalamu bitundu bisatu." Ne mmubuuza nti, "Bannabbi obakkiriza?"

"Weewaawo, bannabbi mbakkiriza," bw'atyo bwe yagamba.

104 Ne mmubuuza nti, "Isaaya yayogera ku ani, mu Isaaya 9:6 bwe yagamba nti, 'Omwana atuzaaliddwa ffe'?"

N'agamba nti, "Weewaawo, yali ayogera ku Masiya."

105 Ne mmubuuza nti, "Masiya aliba na kakwate ki ne Katonda?" Ekyo kyamala eggobe mu kibya. Ne mmugamba nti, "Kati. . ."

N'aŋŋamba nti, "Aliba Katonda."

106 Kko nze nti, "Ekyo ddala bwe kiri. 'Erinnya Lye aliyitibwa Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Katonda ow'Amaanyi, Kitaffe Ataggwaawo.'"

107 Awo ab'enzikiriza y'Obwannamunigina we baasubwa okukitegeera, awo abakkiririza mu Busatu we baasubwa okukitegeera, enjuyi zombi. Naye ekituufu kiri wakati awo. Katonda bw'aba nga Ye yennyini ye yali Kitaawe, Yesu bw'aba nga Ye yennyini ye yali Kitaawe, Tayinza kuba. Era bw'aba nga Yalina kitaawe omulala atali Katonda, ate nga Bayibuli egamba nti "Omwoyo Omutukuvu" ye yali Kitaawe, era egyo bwe giba nga myoyo ebiri egy'enjawulo, kitegeeza Yali mwana mweboolereze. Bwe kiri. Ku bombiriri Kitaawe yali Ani, Katonda oba Mwoyo Mutukuvu? Yogerako omu olabe bw'onooswala. Katonda ye yali Kitaawe. Si bwe kiri?

108 Matayo 1:18, Yagamba.

> *N'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti: Bwe. . .Malyamu nnyina bwe yali ng'akyayogerezebwa Yusufu, baali nga tebannaba kufumbiriganwa, n'alabika ng'ali lubuto olw'Omwoyo Omutukuvu.*

109 Kati Kitaawe y'Ani? Mukiraba, mulaba kye ntegeeza? Mulabeeyo.

> *. . .Yusufu bba, kubanga yali muntu mutuukirivu. . .* nga tayagala *kumukwasa nsonyi, yali alowooza okumulekayo kyama*, bw'ati.

> Laba, *bwe yali alowooza bw'atyo,. . .malayika wa Mukama n'ajja gy'ali mu kirooto, n'amugamba nti, Yusufu, omwana wa Dawudi, totya kutwala* mu. . .*gy'oli Malyamu mukyala wo: kubanga olubuto lwe lwa*. . . [Ekibiina kiddamu nti, *". . .Mwoyo Mutukuvu."*—Omuk.]

110 Mbadde ndowooza nti baagamba nti, "Katonda Kitaffe ye Kitaawe"? O, mmwe abaasomerera eby'eddiini, okutegeera kwammwe kuli wa?

Mulabeeyo, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi!"

111 Ensigo entuufu yava mu Malyamu, naye teyali Nsigo ye. Kyali kisuubizo kya Katonda, Malyamu kye yayanukula nti, "Laba nze ndi muzaana wa Mukama." Abeetikka obulamu baali bakazi. Ate kati, ku Malyamu, Ensigo yali esemberedde ddala.

112 Agali yalina kugifuna mu ngeri eyakyamizibwa. Saala, bwe yakibuusabuusa, yazaalamu nsigo ya zzadde ery'omubiri, okuyita mu kwegomba okw'okwegatta. Naye Malyamu, awatali kuyita mu kwegatta kwonna, yakkiriza Ekigambo, era Ekigambo ne kyambala omubiri.

113 Naye weetegereze, Malyamu kubanga yali asemberedde nnyo, yeetikka Ensigo mu nda ye, ne kirabika nga eyali Ensigo ye. Ne Abapentekoote bwe batyo bwe bali. Ŋŋenda kukiwumbawumba. Naye mujjukire nti, Yesu yagamba, mu Matayo essuula eya 24, olunyiriri olwa 24 nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, emyoyo gyombi. . ." Kati, si mu nnaku ezasooka. "Mu nnaku ez'oluvannyuma, emyoyo gyombi giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti guli gwandirimbye n'abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Omwoyo gw'Abapentekoote, nga gufaananira ddala ekintu kyennyini, nga gugufaananira ddala okutuusa nti gwandirimbye n'abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka.

114 Kati, ebyo si bigambo byange. Ekyo kye Yagamba. Kati, mu kaseera katono, ob'olyawo mugenda kutegeera kye ngezaako okwogera. Kati Ensigo eyo mazima ddala yali efaananira ddala. . .

115 Ekisusunku ekyo kyali kifaananira ddala Ensigo, okutuusa nti kyali kisinga n'empumbu bwe yali egifaanana, n'okusinga ekikolo bwe kyali kigifaanana, naye byali byetissi bya Nsigo kye kyokka. Mukiraba, Luther yagunjaawo ekibiina, ekikolo ne kifa; Wesley n'agunjaawo ekibiina, empumbu n'efa; Abapentekoote ne bagunjaawo ekibiina, obulamu ne bufa. Naye kati Ensigo ezze. Toyinza kweyongerayo mu maaso kusukka ku Nsigo.

116 Mulabeeyo, okuyita mu myaka gyonna, buli omugendo ogw'amaanyi lwe gubaddenga gusituka, amangu ddala nga gugobererwa ekibiina ekigunje. Okudda obuggya kumala ekiseera kya myaka nga esatu, ne bakukolamu

ekibiina, ne bagunjaawo ekibiina. Wabaddewo ebibiina bingi ebizze bigunjibwawo okuva ku buli kudda buggya; okugeza bingi ebyagunjibwawo okuva ku Luther, emitunsi; ne wabaawo bingi ebyagunjibwawo okuva ku mpumbu, Wesley; n'ebikoola by'Abapentekoote byavaamu, ab'obwannamunigina, ab'obusatu, ab'obubiri, ab'obuna, ab'obutaano. O, nedda! Mukiraba?

117 Naye, mulabeeyo, waakayitawo emyaka abiri nga Yesu Kristo alabisibwa! Tewali kibiina n'ekimu kigunjiddwaawo, era tewali n'ekimu kirigunjibwawo; kijja kufa nga buli mugendo gwa nkuba ey'oluvannyuma bwe gufudde, n'ebirala byonna. Kino ky'ekiseera eky'enkomerero, Ensigo, era tejja kusikira wamu na kisusunku, nga ne Isimaeri bw'atasikira wamu na Isaaka.

118 Kati mulaba wano ekisusunku bwe kigifaananira ddala, kigifaananira ddala okutuusa nti kisobola n'okulimba. Luther, ekikolo; Wesley, oluyange; ne Malyamu, ekisusunku, oba enda, oba Abapentekoote. Nga nsobola okweyongerayo wano wennyini nga njogera ku kisusunku ekyo, ne mbalaga. Okuyita mu mirembe gyonna, kibadde tekigifaananangako bwenkanidde awo nga bwe kigifaanana kati. Buli kimu kyonna kkanisa, *kkanisa,* mukiraba, "omukazi."

119 Era mulabeeyo, yali "mukazi," ku lubereberye, y'eyabuusabuusa ekisuubizo ekyasooka. Katonda si ye yamenyawo Ekigambo Kye. Katonda olwa leero tamenyawo Kigambo Kye; wabula Akakasa Kigambo Kye ekyasooka! Naye Saala ye yagamba nti, "Ob'olyawo, kiribaawo; tulinze."

120 Obwo bwe buzibu abantu bwe balina leero, mugezaako okubaako ekintu kye muyingiramu naye nga ne kye muyingiramu temukimanyi. Munaakikola mutya okuggyako nga mumanyi kye mukola? Mutambula musibiddwa kantuntunu? Mugezaako okuwalampa mubeeko ekintu kye muyingiramu naye nga kye mukola temukimanyi, mujja kugwa. "Omuzibe w'amaaso bw'akulembera muzibe munne, bombi bagwa mu kinnya," ebigambo ebyo Yesu ye yabyogera.

121 Naye kati tuyimiridde mu kiseera kya Nsigo. Kaakati Ensigo ejja kwekwata ku, (Kiki?) ekyo ekigiwanirira, nga ekyakolagana n'ekisabika Ensigo nga kikyagikutte. Kyateekebwawo lwa kigendererwa ekyo, kugiwanirira.

122 Kubanga, enjuba nga bw'evaayo mu kiseera ekya ttoggo nga kyakatandika, n'eyaka ku ŋŋaano, weetegereze obutonde bwonna okuyita mu biseera by'obudde nga bwe bitambula, okuyita mu lunaku lwonna nga bwe lutambula, buli kimu kitambula kikwataganira ddala, ne Katonda. Kaakati akasana ako akabuguma bwe katandika okwaka ku nsigo, emeruka n'evaayo. Naye waliwo ekifo ekimu ensi mw'erina okuba okusobola okuleetera ensigo eyo okumeruka eveeyo mu

ttaka. Enjuba erina okwetooloola erudda *eno*, ebeeko ekifo mw'eteebeera okuleetera ensigo eyo okumeruka eveeyo. Yalina okubeera mu kifo ekyo, okusobola okuleetera ensigo okumeruka eveeyo mu . . . mu mulembe ogw'ekizikiza.

123 Abantu abamu . . . omukolokosi ono gwe nnagambye eyawandiika ekitabo, *Katonda Omusirifu,* yagamba mbu, "Okuyita mu mirembe egy'ekizikiza gyonna, bambi abajulizi abo baafa, battibwanga, Abakristaayo abo, naye Katonda n'atuula mu Ggulu nga alinga n'okufaayo Atafaayo." Bambi, musajja wattu oyo atalina ky'amanyi, omuzibe w'amaaso, eyaziba amaaso mu mwoyo, amaaso ge singa gasobola okuzibulwa! Tokimanyi nti ensigo erina okubeera mu ttaka, efe era evunde, nga tennaddamu kumeruka?

124 N'ekkanisa ya pentekoote yafa, okuyita mu ekereziya Katolika eyasooka. Era yamerukira mu kifaananyi kya kikolo, naye mulaba bw'ezze ebumbibwa okuddawo, mu buli mulembe, okuyita mu mulembe gw'Abaluzalaani, n'ogwa Wesley, n'ogw'Abapentekoote? Mukitegeera?

125 Kati Erina okuddirayo ddala ku buweereza buli obwasooka bwe Yalina wano ku nsi, kubanga ye Mugole. Bali omu. Kati Yasuubiza, mu nnaku ez'oluvannyuma, engeri ebintu bino gye biribaawo. Era tubiraba nga bibaawo, nga ebisuubizo ebirala byonna, Malaki 4, enjiri y'Omutukuvu Lukka 17:30. O, n'Ebyawandiikibwa ebirala bingi, toyinza kubimalayo!

126 Naye, ha, kigenda kunneetaagisa okumaliriza, kubanga obudde bugenze. Weewaawo. Kale, mu—mubagambe, mulabe oba basobola okufuna . . . Mubabuuze, mukiraba, mujje mumbuulire. Kaakati, musooke mulindeko katono. Kino njagala nkyogereko, nnyo ddala, mukiraba. Mpulira nga nja—njagala mukirabe, nnyo ddala. Mulabeeyo, Yesu . . . Mwekkaanye, mulabe, Omugole.

127 Era, tukiraba, mu mulembe guno kaakano mwe tuli, mukiraba, nti enda, ekibiina ky'Abapentekoote, kifaananira ddala ekintu kyennyini ekya nnamaddala. Naye mwali mukyetegerezza nti, Okubikkulirwa 17, woogera ku ekereziya Katolika ey'e Rooma, ekibiina ekigunje ekyasooka nti, "mukazi omwenzi"? Ekyo bameka abakimanyi nti kituufu? Bameka abakimanyi nti ye nnyina w'abenzi? Omukazi omugwenyufu kye kiki? Kati, Yagamba nti omukazi ono yali "kkanisa." Omwenzi y'ani? Ye mukazi atali mwesigwa eri birayiro bye eby'obufumbo. Malaaya y'ani? Kintu kye kimu, kigambo kye kimu.

128 Kati, yazaala. Yazaala ki? Teyazaala Kigambo, wabula yazaala kibiina ekigunje. Baabano Abamesodisiti, Ababaputisiti, n'Abapentekoote, era bonna baatwala mize gya nnyaabwe. Omukazi yenna omwonoonefu mu California asobola okuzaala omuwala embeerera; era eyo y'ensonga lwaki obubaka obwasooka bwajja, naye amazima bwe gaayanjulirwa omulembe

gwa Luther, ag'okutukuzibwa, tegwasobola kugakkiriza. Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu bwe kwakkirizibwa, bwe kwayanjulirwa Abamesodisiti, tebaasobola kukukkiriza. Era na kaakano, ekiseera ky'Ensigo bwe kyanjuliddwa eri Abapentekoote, tebayinza kukikkiriza, beekolamu dda ekibiina ekigunje, wabula babadde beetisse bwetissi Nsigo, mukiraba.

129 [Waliwo ow'oluganda ayogera mu nnimi. Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.] Amiina. Kaakati Mukama tumwebaza olw'ekyo, Ekigambo, engeri ennyangu ey'Ekigambo ekyogeddwa.

130 Mukiraba, kyangu nnyo, era nga mu kino, nga bw'olaba kasooli nga akula. Teweetaaga kubeera na nzivuunula yaakyo nga ya njigiriza ya kinnaddiini. Ggwe kyekkaanye bwekkaanya. Oli. . .Abeera awo wennyini naawe, ekiseera kyonna. Okiraba, e. . .ki. . .

131 Nnina okumaliriza. Mpulidde nga ansika, era nze nnamusabye akikole. Tulina okumaliriza. Kati, ow'oluganda, ŋŋenda kwogera kino kyokka, bwe nkimala ŋŋende.

132 Mulabeeyo, kati, ekisusunku, ekikolo, n'ebirala, byo byetikka bwetissi Kigambo. Byalinako ekitundu ku Kigambo, mukiraba, okutuusa ekiseera kyabwo lwe kyaggwaako; okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okuzzibwawo kw'ebirabo mu—mu Bapentekoote. Naye kaakati mulabeeyo. Kyennyini era nga bwe kyali ku Isimaeri, Isaaka, mukiraba, n'oluvannyuma Yesu; mukiraba, omu yali yakyamizibwa, omulala nga nnakabala, oluvannyuma ne wajja Ensigo Yennyini. Mukiraba? Kati, ekkanisa ezze eyita mu kintu kye kimu ekyo, okuviira ddala emabega. Nga ekimuli oba ekintu ekirala kyonna, kinywa, ne kiyingiza, oluvannyuma ne kigenda. . .

133 Ekyo tekitegeeza nti Abaluzalaani baabula. Abaluzalaani abaagaana okutukuzibwa, bandiba nga baabula, abo abaagala okubaako ne kye beekwatako. . .Mukiraba, Isiraeri baalyanga emmaanu ensu buli kiro, mukiraba. Mulabeeyo.

134 Naye kati ku nkomerero, mulabe ekisusunku kino wano, kati mwekkaanye, mu ŋŋaano. Ekyama kya—ky'Obulamu kyonna mu bulamba bwakyo kisibiddwa munda mu kisusunku ekyo. Tukiraba mu Luther, nga kitandiikiriza. Tukiraba mu luyange, nga kivaayo. Tukiraba mu kikolo. Ne tujja erudda wano eno, nga kati kiri mu nkula ya kisusunku, kyenkana nga bwe kyali mu mulembe gw'Abapentekoote, naye ekyama kyennyini kikwekeddwa munda.

135 Kati mujjukire nti, okusinziira ku Kubikkulirwa, ekyama kyonna eky'Ekitabo kyasibibwako n'Obubonero Omusanvu, abaddaabuluzi bwe bataafuna kakisa kuleeta, emitendera ena egy'okuddaabulula, emitendera ena egy'Ebiramu ebina ebyagenda okweŋŋanga amaanyi ag'emirundi ena ag'ensi. Ekyasooka okuvaayo, yali. . .

136 Kiki ekyasooka okufuluma? Yali mpologoma, okweŋŋanga omulembe gw'Abaruumi. Ekyo kye kyali Ekigambo, ekyasooka. Ye Mpologoma ey'ekika kya Yuda. Kristo Mwene ye yagenda okweŋŋanga omulembe ogwo. Nsolo ki eyaddako okufuluma okweŋŋanga; ensolo eyaddako okufuluma, okweŋŋanga omuvuzi w'embalaasi oli omulala, yali nsolo ki? Mukiraba, omuvuzi w'embalaasi eyasooka yali ayambadde byeru, nga ayambadde engule ku mutwe gwe, oluvannyuma, n'ebirala, naye omutego gwe yalina tegwalimu busaale.

137 Mwetegereze embalaasi ey'okubiri eyafuluma, Ekiramu ekyagenda okugyeŋŋanga yali nte ennume. Ente ennume nsolo ya ssaddaaka. Battibwanga nga abajulizi mu mulembe ogw'ekizikiza.

138 Ekiramu eky'okusatu ekyagenda okweŋŋanga embalaasi eyaddako, embalaasi eyaliko okufa bwe yali tennayita, okufa n'amagombe, embalaasi eyaddako eyagenda. . . Ekiramu ekyaddako ekyagenda okweŋŋanga embalaasi ey'ekiseera ekyo, kyali Kiramu ekyalina obwenyi nga obw'omuntu. Ekyo bameka abakimanyi? Omulembe ogw'amagezi ag'obwongo, abaddaabuluzi, Luther, Wesley, Calvin, Knox, Finney, Moody. Mukiraba?

139 Naye kaakati mwetegereze, kiki ekyafuluma mu kiseera eky'akawungeezi? Yali mpungu, obunnabbi nate era. Walibaawo Omusana mu kiseera ky'empungu, ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima ddala oliriraba, O Kkanisa ya Katonda omulamu!

140 Singa nsobola okujja wano ne—ne ntuula wansi ku makya, ne mbeerawo olunaku lwonna, ne ngabana nammwe ku bintu bino. Muwulirize, mulowooza sibaagala? Mbaagala, baganda bange. Nna—nna—nnandyagadde ŋŋende mu buli kibiina era nkola-. . . era—era nzikiriziganye na buli kimu ku byo. Naye, mulaba, tekisoboka. Kizibu n'okufuna oluggi olunzigulirwawo.

141 We twogerera ŋŋenda kuyingira mu ggwanga mu nkukutu, lwa kibiina ekigunje, kubanga baagaana okukkiriza obuweereza Katonda. . . Nnabawandiikira ebbaluwa, ne mbagamba nti, "Okumala emyaka kkumi ngezezzaako okuyingira. Naye mmwe ne mbatiza zammwe ezitategeerekeka!"

142 Ekimu ku byo kikkiriza nti olina okubatizibwa emirundi esatu: omulundi ogusooka ku lwa Kitaffe, omulundi omulala ku lw'Omwana, n'omulundi omulala ku lw'Omwoyo Omutukuvu; nga bakuvuunika mu mazzi. Ate ekirala ne kigamba nti, "Nedda, olina kubatizibwa emirundi esatu nga osoosaayo mugongo: omulundi ogusooka ku lw'Omwana, n'omulala ku lwa Kitaffe, n'omulala ku lw'Omwoyo Omutukuvu." Ate nga zombi nkyamu.

143 Omu yagamba nti, "Ye, obatizibwa eri kufa Kwe, era bwe Yali afa Yeewunzikira mu maaso. Tubatizibwa eri okufa Kwe." Ate omulala n'agamba nti, "Ani aziika omuntu nga amuvuunise? Omuziika, atunudde waggulu." Obutaliimu obwenkanidde awo,

obwawulayawulamu abantu, kiraga nti obwo buggya. Buva wa Ssetaani. Tebuva wa Katonda.

144 Wakati w'enjuyi zombi, Katonda talina luuyi lw'aliko ku njuyi zombi, naye Ayita okuva ku njuyi zombi nti, "Mubaveemu, mweyawule, bw'ayogera Katonda, Nange nnaabasembeza gye Ndi."

Katonda abawe omukisa.

65-0429B Ensigo Terisikira Wamu Na Kisusunku
mu Biltmore Hotel
e Los Angeles, California Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org